# YISA MASIYA (YESU) NABBI WA KATONDA

## *ABASIRAAMU*

**AFRICA ISLAMIC DAAWAH ASSOCIATION (AIDA).**

Conveying Islamic Message Society
P.o.Box 834 - Alex - Egypt
E-Mail:info_en@islamic-message.net
E-mail:cims_eg@yahoo.com
Site: www.islamic-message.net
Not for sale

عيسى عليه السلام
باللغة اللوجاندية

## EBYAMAGERO BYA YISA MASIYA (YESU).

Yisa Masiya ,maama we yaba olubuto lwe n'amuzaala nga talina taata ,era yakola ebyamagero bingi nnyo kulw'obuyinza bwa katonda ,ebyewunyiisa ennyo.
Yayogera nga muwere ali ku ngozi ,nga muto yaakazalibwa eri abantu nga awolereza maama we ku kyebaali bamujwetekako nti yayenda. Quraane egamba nti Yisa yazuukiza abafu ,yawonya abagenge ,yazibula bamuzibe ,byonna kulw'obuyinza bwa katonda.

Yisa ekyokuba nti yakola eby'amagero bingi tekitegeeza n'akamu nti yali asukka ku kubeera omuddu wa katonda .Mubutuufu abatume bangi baakola eby'amagero nga Nuuhu,Musa ne Muhammadi(emirembe jibe kubo) era eby'amagero bino byonna byalingawo kulwabuyinza bwa katonda ,sso ssi kumaanyi gaabwe. Byagendererwamu okulaga nti mazima bbo baali batume abaddala.

## OBUBAKA BWA YISA MASIYA

Bannabbi abali mundagaano enkadde (O.T) nga Ibrahiimu ,Nuuhu ne Yunusu tebasomesa ngako nti katonda ali mubasatu ,era tebakkirizangako nti Nabbi Yisa yemununuzi waabwe, obubaka bwabwe bwali bwebumu; nti katonda ali omu yekka alina okusinzibwa ,kiba sikyabugunjuffu katonda okutuma ababaka abangi enkumi n'enkumi z'emyaka n'obubaka bwebumu ate amangu ddala n'abukyuusa nti kati ali omu ku basatu (Trinity) ate era nti omuntu alina kukkiriza Yisa nti katonda asobole okulokoka.

Eky'amazima kiri nti ,Yisa yasomesa obubaka bwebumu nga bannabbi abalala mundagaano enkadde. Waliwo obujulizi mu Baibuli obukakasa kino, Omusajja lumu yajja eri Yisa (Yesu) n'amubuuza , "Tteeka ki erisooka mu mateeka gonna"? Yisa yamuddamu "Etteeka erisooka mumateeka gonna lye lino wulira .Owange Yakobo (Israel) katonda ,omutonzi waffe ali omu yekka".(Makko 12:28-29) etteeka erisinga obukulu n'omugaso okusinziira ku Yesu ,kwe kuba nti katonda ali omu .Singa Yisa yali katonda yandigambye, "Nze katonda munsinze". Wabula yaddingananga olunyiriri oluli mundagaano enkadde ng'akakasa nti Katonda ali omu.

Kino kiraga bulungi ensinza Yisa jeyaliko nga bw'esomesebwa mu busiraamu nti yatumwa eri abaana ba Yakobo(Abayisirayiri) okukakasa obubaka bwa bannabi abaamusoka –obw'okukkiriza katonda omu yekka. Nga omubaka wa Katonda omuwulize ,Yisa yali mugonvu eri ebiragiro bya katonda nabwekityo yali mugonvu eri ebiragiro bya katonda nabwekityo yali "musiraamu" ekitegeeza omuntu okwewaayo eri katonda era n'agondera amateeka ge gonna.

> *"Era Yisa bwe yajja n'obunnyonnyofu yagamba………. mazima Allah ye katonda wange era katonda wamwe, kale mumusinze .Lino ly'ekubo eggolokofu".(Quraa ne:43:64)*

## YISA MASIYA MU BUSIRAAMU

Yisa yali mubaka ow'ekitiibwa eyatumibwa katonda akowoole abantu basinze katonda omu (Allah) yekka. Kino kiriko obujulizi mu Baibuli ate ne Quraane ekikakasa .

Tukuyita oyongere okutunuulira n'okunonyereza ku busiraamu .Eno ssi ddiini ndala , ye ddiini yennyini eyasomesebwa Nuuhu ,Ibrahiimu,Musa,Yisa ne Muhammadi (emirembe jibe kubo). Obusiraamu kitegeeza "okujeemulukukira katonda" era yenkola enzijuvu ey'obutonde nga ebuna buli nsonga eri mu butonde bw'omuntu. Ekubiriza omuntu okufaayo okulongoosa enkolagana ye ne katonda wamu n'ebitonde bye ,obusiraamu buyigiriza nti katonda ye mwenkanya asinga ate oweekisa ,era y'asonyiwa ebyonoono .Omuntu tazaalibwa mu kibi ,wabula asobya .Katonda alamula buli omu okusinziira ku mirimu gye ate buli omu avunaanyizibwa ku bikolwa bye yekka .

Obusiraamu butuyigiriza okwagala n'okuwa ekitiibwa bannabbi ba katonda bonna ,naye kino tekitegeeza nti betulina okusiinza ,nanti okusinzibwa kwa katonda yekka .Okukkiriza Yisa nga Nabbi wa katonda kko n'okusiramuka tekitegeeza nti oteekedwa okukyusa erinnya lyo ly'obadde nalyo. Wabula kitegeeza kuddayo kunsiza n'enzikiriza entuufu eyo Yisa (Yesu) gye **yasomesa nga kwe kusinza katonda omu yekka (Allah)..**

www.islamic-message.net
AHLAN : www.ahlan-group.com
www.facebook.com/Ahlan.Explore
info@ahlan-group.com
africaislamicdaawah@gmail.com

# YISA MASIYA (YESU)
## NABBI WA KATONDA

Yisa masiya ye muntu ayagalwa ennyo era agulumizibwa abantu abangi abali eyo mu buwumbi mu nsi yonna ,wabula ate nga waliwo okubuzabuzibwa mu bantu bangi ku kiki ekituufu kye yali.Abasiraamu n'abakurisitaayo bombiriri batwala Nabbi Yisa okuba ow'ekitiibwa kyokka bamutegeerera mu ngeri zanjawulo.
Akatabo kano kajja kutangaaza ku nsonga ezikwata ku Yisa Masiya : Ddala Yisa katonda oba katonda yamutuma butumi? Ddala yali kiki ekituufu?

## "YISA MASIYA NGA KATONDA"

Abakulisitaayo abamu bagamba nti Yisa ye Katonda ob anti ali omu ku basaatu – nti kye kifaananyi kya katonda kunsi ,era nti katonda yalabikira muyye mu kifaananyi eky'obuntu.Wabula okusinziira ku Baibuli ,Yisa yazaalibwa ,yali alya emmere ,yebaka ,yasabanga era okumanya kwe kulina wekukoma.Bino byonna katonda ye tatendebwa nabyo katonda yye alina ebitendo bye mubujjuvu ate omuntu yye ssi bwaali ,ekintu kati kisoboola kitya okubaamu embeera ebbiri nga buli emu eri kyennyume kya jinne waayo.

Obusiraamu busomesa nti katonda talina bukendeevu ,okukkiriza nti katonda yafuuka omuntu kuba ng'okugamba nti katonda mukendeevu.Omukilisitu asaana yebuuze nti ddala ayitiibwa katonda eyaliko omuto ateeyamba ,nga alya emmere, abe n'obulamu ,nga anywa ,yebaka asobola okuba katonda ow'obuyiinza oyo gwe batunnyonnyola mu ndagaano enkadde mazima tekisoboka.
Omuntu ayinza okubuuza ,singa katonda aba asobola buli kimu ,lwaki ate tafuuka muntu"? Mu kutangaaza katonda takola bikolwa bitali byabutonzi bwe, Yye takola kintu kimufuula kirala nekimujja mu mbeera ye,awo kitegeeza aba takyali katonda .
Waliwo ennyiri mu baibuli ezibuzabuza era nga zisomwa okulaga nti ddala Yisa yali katonda oba mwana wa katonda naye bwe tutunuulira ennyiriri ezitegerekeka obulungi tusanga nti Yisa yali atwalibwa okuba omuntu ow'ebyewuunyo ,ow'enkizo era tasukka ku ddala lino.
Eby'okulabirako:

- Yisa . "Yisa yavunama ku kyenyi kye ng'asaba".(matthew 26:39).Singa Yisa yali katonda ,olwo katonda asobo atya okuvunnama n'asaala? Era yandibadde asaba ani olwo?
- Baibuli eyogera ku Yisa nga Nabbi (matayo 21:10-11), kati Yisa asobola atya okuba nabbi ate nga era katonda mu kiseera kyekimu.
- Yisa yagamba , "Ngenda wa kitange kubanga kitange y'asinga nze amaanyi".(Yokana 14:28).
- Yisa yagamba, "Ngenda kulinnya eri Taata wange ,Taata wammwe, katonda wange era katonda wammwe".(Yokana 20:17). Bwaba nga Yisa yali katonda ,kati lwaki yasobola okugamba , "eri katonda wange era katonda wammwe". Era yali agenda eri ani?

Bw'aba nga Yisa yali katonda ,yaligambye abantu bamusinze yye yennyini ,era wandibaddewo ennyiriri mu baibuli eziraga kino, sso ate yakola kyennyume kya kino era yagaana omuntu yenna okumusinza : "Era bajja kusinza mu bukyamu".(matayo 15:9)

## "MWANA WA KATONDA"

Abakirisitu abamu bagamba nti Yisa mwana wa katonda .Kino kitegeeza ki? Mu mazima katonda tekisoboka kuba ng'alina omwana.Wabula abantu be balina abaana,.ebisolo nabyo bizaala n'ebitonde ebirina obulamu.Katonda ye tazaala. Mungeri endala ekigambo . "mwana wa katonda".era kikozesebwa mu lulimi lwa Baibuli olwedda okutegeeza "omuntu omulongoofu" era nga kyokozesebwa ne ku Daudi ,Sulaiman ne Yakobo ,tekyakozesebwa ku yisa yekka. "Yakobo ye mwana wange asooka ow'obulenzi".(okuva 4:22). Mazima omuntu yenna omulongoofu bamuyita mwana wa katonda . "Abo bonna abakulemberwa omwoyo gwa katonda baba batabani nabawala be".(Abaluumi 8:14)

## "TAATA ATE KATONDA"

Mu ngeri y'emu ekigambo "Taata" bwe kikozesebwa okutegeeza katonda kiba kikola amakulu nga manji agagenda ewalako.Kiba kiraga katonda ye mutonzi, omugabirizi ate omufuzi owa waggulu wa byonna.waliwo ennyiriri eziwerako ezitulaga amakulu gano gonna agali mu kigambo "Taata". Eky'okulabirako;

"Katonda omu era Taata w'abantu bonna".(Befeeso (Ephesians) 4:6) era oluusi Yisa bamuyitanga abayigirizwabe "kabaka". Era ekigambo kino kikozesebwa mu njogera za Baibuli ezasooka nga kya katonda kko n'abantu abali mu bitiibwa.

Mu bifo bya Baibuli ebirala Yisa (Yesu) era ayitiibwa "omuweereza" wa katonda : "katonda wa bakitaffe ,agulumizza n'awa amaanyi omuweereza we Yisa (Yesu)"(Bikolwa by'abatume 3:13) kino kiraga nti ekigambo kabaka bwe kikozesebwa kiba kitegeeza Yisa ,kyakumuwa kitiibwa sso ssi bwa katonda

## YISA:NABBI WA KATONDA.

Mu Bayudaaya ,Yisa (emirembe jibe kuye) tebamukkiriza nti yali Masiya (Messiah) ,omutume, kino kikontana n'obukulistu mwe bamusinziza nga katonda oba omwana wa katonda .Obusiraamu bwo ate butangaaza ekituufu ky'ali nti tali okujjako Nabbi wa katonda ow'ekitiibwa era eyali omutume ,naye nga tebamusinza kubanga okusinza kukolebwa ku katonda yekka eyatonda Yisa na buli kintu kyonna.

## OKUZAALIBWA KWE OKWAMAGERO

Okusinziira ku Quraane ,malaika Jiburiilu yatumibwa eri Mariyamu ng'ali mbeerera ,mu kifaananyi ky'obuntu ng'amutegeeza ku mwanawe gw'anazaala mu ngeri nga tasisinkanye na musajja (oba taata w'omwana).
"Yye (malaika Jiburiilu) yagamba ,nze ndi mubaka wa katonda wo antumye nkuwe amawulire g'omwana omutukuvu, yagamba( Mariamu) "Naafuna ntya omwana nga tewali musajja n'omu ankutteko ate nga siyendangako?" Yagamba ,(Nabwekityo bwekijja okuba) Katonda wo agambye , "ekyo kunze kyangu ,ate tujja kumufuula akabonero eri abantu ate nga kusaasira okuva gyetuli, ekyo kimaze okusalibwawo".(Quraane:19:19-21).

> *"(Yisa )yagamba ,Mazima nze ndi muddu wa Allah (katonda)ampadde ekitabo era anfudde Nabbi ………"*
> *Quraane;(19:30).*

Abamu balaba ekyamageero ky'okuzaalibwa kwa Yisa ,kino nga kimufuula okuba nga ye katonda .Wabula ,Yisa ssi ye yasooka okutondebwa nga talina taata , ne Nabbi Adamu (emirembe gibe kuye) eyamusooka naye teyalina taata wadde maama. Katonda agamba . "Yisa Masiya eri Allah alinga Adamu ,yamutonda mu ttaka n'amugamba nti; " Ba" era "nabeera",gano gemazima okuva eri katonda wo ,kale tobeera mu abo abawakanyi".(Quraane:3:59-60).

Bwekiba nti Yisa Masiya asinzibwa lwakuba nti teyaliiko taata amuzaala ,olwo kati Adamu ye yandibadde asinga okusaanira okusinziibwa kubanga ye yatondebwa nga talina taata wadde maama.